# Gavt. erabudde ba RDC ku nsonga z'ettaka

Bya LAWRENCE KIZITO



Nabakooba

GAVUMENTI eragidde ba RDC bonna okwetooloola eggwanga, okubeera obulindaala baleme kukkiriza bikolwa bya kusengula bantu n'okubba ettaka mu ngeri emenya amateeka.

Mu kiwandiiko ekyafulumiziddwa minisita w'ebyettaka, Judith Nabakooba, yagambye nti emisango egyekuusa ku mivuyo ku ttaka gyeyongedde nnyo wadde Gavumenti yateekawo amateeka n'ebiragiro. N'agamba nti, kyetaaga okujjukiza be kikwatako okufungiza balwanyise embeera eno.

Okusinziira ku lipooti ya Poliisi ey'omwaka 2025, emisango egyekuusa ku mivuyo gy'ettaka gyeyongera okuva ku misango 397 mu 2024 okutuuka ku 663 mu 2025.

Nabakooba yagambye nti, amateeka ga Uganda gawa buli muntu eddembe okubeera n'ettaka, kyokka emivuyo gino gizing'amya enkulaakulana, olw'abantu okuggyibwako eddembe lyabwe ery'okukolera ku ttaka, olw'abafere n'ababbi abeeyongedde.

Emivuyo egisinga yagambye nti, giva ku nsonga eziwerako, omuli amateeka g'ettaka agaakaddiwa, ba bbulooka b'ettaka abeefudde mukoko okutigomya abantu, obufere mu biwandiiko by'ettaka, bannannyini ttaka abaabula, abasenze abagaana okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe, ettaka eritannawandiisibwa mu sisitiimu ya Gavumenti, okusengula abantu mu ngeri emenya amateeka, n'ebirala.

Okusobola okwang'anga ebizibu bino, Nabakooba yagambye nti Pulezidenti Museveni yayisa ebiragiro mu 2022, ebirung'amya okusengula abantu ku ttaka, era abakwatibwako bonna yabalagidde okubiteekesa mu nkola nga tewannabaawo muntu asengulwa.

Mu biragiro bino, Pulezidenti agamba nti teri kusengula muntu ng'akakiiko k'ebyokwerinda mu disitulikiti tekamanyi era kalina okukwatagana ne minisitule y'ebyettaka, okwetegereza obulungi ensonga.

Ettaka lyonna eriweza decimoolo 50 mu Buganda, ne yiika emu mu bitundu ebirala, bwe liba litundibwa, abakungu ba Gavumenti abakwatibwako bateekwa okulirambula, okukakasa nti buli alirinako akakwate amatidde, nga terinnatundibwa.

Era teri musika, oba bamulekwa abaganyulwa mu mmaali y'omugenzi, balina lukusa kusengula bantu abasangiddwa ku ttaka ly'omugenzi. Era abakuumi ab'obwannannyini tebakkirizibwa kuleetebwa ku ttaka liriko nkaayana kulikuuma, era Nabakooba yasabye minisitule y'ensonga ez'omunda mu ggwanga okulondoola kkampuni z'abakuumi ez'obwannannyini baleme kumenya kiragiro kino.

Ate okusengula okulagiddwa kkooti, kulina kukolebwa ng'ekiragiro kya kkooti weekiri, nga Poliisi n'abakulembeze b'ekyalo weebali, ate nga gwe basengula aweereddwa ennaku 90 okweteekateeka. N'ebintu ebisenguddwa birina okuterekebwa obulungi, si kubyonoona. Akakiiko k'ebyokwerinda ku disitulikiti kalina okusooka okukakasa ekiragiro kya kkooti nga tekinnateekebwa mu nkola.